ENDAGAANO EMPYA II

Endagaano Empya II: Ebyokusomako

Eby'okuwandiika -

EKIBIINA 1:

I. Enyanjula y'essomo.
II. Ekitabo ky'Ebikolwa.

EKIBIINA 2:

II. Ekitabo ky'Ebikolwa. (okwongerako.)
III. Obulamu bwa Paulo.

EKIBIINA 3:

III. Obulamu bwa Paulo. (okwongerako.)
IV. Ekitabo kya Baruumi.

EKIBIINA 4:

V. Ekitabo kya 1 ne 2 Bakkolinso.
VI. Ekitabo kya Bagalatiya.

EKIBIINA 5:

VI. Ekitabo kya Bagalatiya. (okwongerako.)
VII. Ekitabo kya 1 ne 2 Bassesalonika.
Ekigezo.

ENDAGAANO EMPYA II

Eby'okuwandiika -

Endagaano Empya II: Ekigezo

Obubonero 20 Bwoyinza Okufuna mu Bibuuzo Bino

1) Nyonyola engeri Bik 1:8 gyekileeta awamu ekirowoozo kya maanyi, okufa n'okutumibwa (emp. 349, 350).

2) Ng'okozesa eby'okulabirako eby'enyawulo bino mu Bikolwa by'okujja kw'Omwoyo Omutukuvu ku bantu, laga engeri gyewaliwo ebintu eby'enjawulo "ebikakasa okujjuzibwa Omwoyo" (emp. 350-352).

3) Yogera enkolagana eriwo wakati w'eddembe n'omulimu nga bwe guteekeddwawo mu kitabo kya Bagalatiya n'Ebyawandiikibwa ebikolagana (emp. 367, 368).

Obubonero 10 Bwoyinza Okufuna mu Bibuuzo Bino

1) Wandiika emilamwa gy'ebikolwa emikulu esatu (olup. 348).

2) Kozesa Ebyawandiikibwa bibiri okunyonyola eby'obulamu bwa Paulo (olup. 358).

3) Engendo z'obuminsani bwa Paulo zaaliwo ddi (olup. 359)?

4) Wandiika engeri nya Paulo mweyanyonyolera Kristo. Tewali kyawandiikibwa kyetaagisa kujuliza (olup. 359,360).

5) Ng'okozesa Baruumi 5:1-5, Wandiika ebintu bina byetulina okuyitamu mu kutukuzibwa (olup. 364).

6) Wandiika ensobi satu Paulo zeyanoonya okutereeza mu 1 Bakkolinso (olup. 365.366).

ENDAGAANO EMPYA II

Eby'okuwandiika

I. Enyanjula Ye'ssomo.

Ensengeka y'Amassomo g'Endagaano Empya:

Nga ensengeka y'amassomo g'Endagaano Enkadde, tetusobola kuyiga Ndagaano Mpya yonna mu massomo agasengekeddwa emirundi esatu mu bufunze. Ekiruubirirwa kyaffe kwe kunoonyereza ebiri mu Ndagaano Empya okubitegeka, n'okuyiga emilamwa wamu ate n'ebimu ku by'okuyiga eby'enjawulo ebilondebwamu.

Oluvanyuma lw'okumaliriza amassomo gano asatu, tujja kuba nga tusobola okutegeeza wamu byetumanyi mu Ndagaano Empya. Tujja kuba nga tusobola era okubibuulira ku mutindo ogugenda ewala, ku bitundu ebimu eby'enjawulo neby'okuyiga olw'Endagaano Empya.

Ekiruubirirwa kyaffe kwe kwongera okuyiga ebisingawo mu Ndagaano Empya nga tuteekawo eky'okukola okutegeera ebitabo 27 eby'Endagaano Empya nga byonna wamu ate era nga ebitundu kinnakimu.

Amassomo asatu ag'Endagaano Empya:

Endagaano Empya I: Enjiri ne Yesu Kristo. Muno mulimu Matayo, Makko, Lukka ne Yokaana.

Endagaano Empya II: Okuzaalibwa kw'Ekkanisa. Omutendera guno gulimu okuyiga kw'ebikolwa, Baruumi, 1 ne 2 Bakkolinso, Baggalatiya ne 1 ne Bassesalonika.

Endagaano Empya III: Okukula/okweyongera kw'ekkanisa. Omutendera gulimu ebbaluwa z'omu busibe, ebbaluwa za basumba ebbaluwa eri bonna ne Baebbulaniya.

Amassomo gano gonna gaategekebwa nga gasengekebwa. Bwotomaliriza biri mu ssomo erisooka mu kibiina ekisooka, olwo tandiikira okuva wewakomye mu ssomo 1 mu kibiina eky'okubiri. Kye kimu nga otandiika n'ekibiina eky'okusatu (olwensonga eno essomo 3 lilimu ebikuweereddwa bitono nga ebimu "byetuyisemu" mu massomo agasooka bwe bisuubirwa).

ENDAGAANO EMPYA II

Eby'okuwandiika -

A. Ebiri mu ssomo lino.

1. Essomo lino lyo likwaata ku kuzaalibwa kw'ekkanisa y'Endagaano Empya.

2. Ebitabo ebiddako biragiddwa:

   a. Bikolwa.

   b. Baruumi.

   c. 1 ne 2 Bakkolinso.

   d. Baggalatiya.

   e. 1 ne 2 Bassesalonika.

3. Okuyiga kw'obulamu bwa Paulo nakwo kulagiddwa.

II. Ekitabo kya Bikolwa.

A. Erinnya ly'ekitabo.

1. Okusookera ddala, ekitabo ky'ebikolwa gwe gwaali omuzingo gw'ebyawandiikibwa bya Lukka ogw'okubiri. Kyakwaatagana n'enjiri ya Lukka.

2. Mu kyaasa eky'okubiri oluvanyuma lw'okuzaalibwa kwa Yesu, omuzingo ogw'okubiri gwatandiika okutegerwa nga ekitabo ky'omuntu omu (kino wekiri kikola kubanga Lukka yenyini akolawo enjawulo wakati w'ebitabo byombi laba Bik 1:1).

   a. Mu kiseera ekyo erinnya "**Ebikolwa bya batume**" lyatandika okukozesebwa okutegeka ekitabo kino.

   b. Ekitabo kyogera nnyo ku batume babiri (Peetero ne Paulo). "**Ebikolwa bya Peetero ne Paulo**" ndowooza lye lyandibadde erinnya erisinga obulungi.

c. Era n'elinnya eryandizeeko okuba edungi lye linya "**Ebikolwa by'Omwoyo Omutukuvu**." Okubeerawo Kwe n'ebikolwa Bye mu kwongera okumanyisa n'okukula kw'ekkanisa kye kiruubirirwa ky'ekitabo.

Eby'okuwandiika –

1) Tuyinza okulowoozayo erinnya eddala limu erisoboka okuba nti lirabika nga lilimu ebiri mu kitabo:

"**Okweyongera n'okugaziya obuweereza bwa Yesu okuyita mu Kkanisa olwa maanyi ag'Omwoyo Omutukuvu**."

2) Mu njiri ya Lukka tulaba obuweereza bwa Yesu ku nsi. Mu muzingo ogw'okubiri, ekitabo ky'Ebikolwa, tulaba obuweereza bwa Yesu ku nsi nga bukolebwa okuyita mu bantu be.

B. Omuwandiisi w'Ebikolwa.

1. Lukka omusawo akkirizibwa bonna nga omuwandiisi w'ebikolwa.

2. Lukka - Ebikolwa kitegeerekeka bulungi nti byawandiikibwa omuwandiisi omu (Luk 1:1-4 ne Bik 1:1).

3. Lukka yali mukwano nyo gwa Paulo era nga bwe yali omuwandiisi w'Ebikolwa (laba 16:10-17; 20:5-21:18; 27:1-28:16 omuwandiisi wakozeseza nti "ffe").

4. Kigambibwa nti Lukka yeyali omuwandiisi.

C. Ebintu ebikulu mu Bikolwa.

1. Ebigambo ebikulu mu Bikolwa.

   a. Omwoyo Omutukuvu.

   b. Peetero (esuula 1-12).

   c. Paulo (esuula 13-28).

   d. Ekkanisa.

   e. Abayudaaya.

f. Abamawanga.

g. Ennimi.

h. Okukungaana/okugabana (koinonia).

i. Abajulirwa.

2. Eby'okukola ebikulu mu Bikolwa.

a. Okuyiganyizibwa.

b. Okubunyisa enjiri.

c. Okweyongera n'okukubisaamu kw'ekkanisa.

3. Ebigambo ebikulu mu Bikolwa - “Ne beyongerako ku muwendo.”

4. Olunyiriri olukulu mu Bikolwa - Bik 1:8, “Naye muliweebwa amaanyi Omwoyo Omutukuvu bwalijja ku mwe era muliba bajulirwa bange mu Yerusaleemu mu Buyudaaya, mu Samaliya n'okutuusa ku nkomerero y'ensi” (1:8).

5. Emiramwa esatu emikulu mu Bikolwa.

a. Amaanyi ag'Omwoyo Omutukuvu.

b. Okubunyisa enjiri.

c. Okukula kw'Ekkanisa (olw'okuyiga okusingawoko okw'omutwe guno, laba essomo lya MOTMOT eriyitibwa Okukula kw'Ekkanisa.

D. Omulamwa 1: Amaanyi ag'Omwoyo Omutukuvu.

1. Ekigendererwa ky'okutuma Omwoyo Omutukuvu be bakkiriza okuba nga baweebwa amaanyi.

2. Yesu yakyogera bulungi mu Bik 1:8, nti Omwoyo Omutukuvu yatumibwa abakkiriza basobole okuweebwa "amaanyi" (ekigambo ky'Oluyonani "Dunamis" mwe tujja ekigambo kyaffe "dynamite (ekitegeeza amaanyi agabwatuka)”).

ENDAGAANO EMPYA II

Omuwandiisi Kyakyogerako:
Bwetuyigiriza era netuweereeza ku mutwe gw'okuyiga oguyitibwa "Okubatizibwa" Oba okujjuzibwa" kw'Omwoyo Omutukuvu, tulina okukuuma omusinji gw'okutegeera kino okwa maanyi wakati mu ndowooza yaffe. Tetulina kwongera kunyweza njigiriza ya muntu yenna, naye tulina kunyweza kikolwa kya kuweebwa maanyi.

John Wimber, eyatandiika Vineyard Fellowship, atuwa eky'okulabirako ekirungi. Agamba nti bwaba aweereza ku kikwaatagana ku kujjuzibwa Omwoyo Omutukuvu essira talissa ku nsonga ndala yonna, naye abuuza bubuuza bantu oba nga baagala okufuna amaanyi mu bulamu bwabwe ne mu buweereza bwabwe.
Tetwagala kuba abawukanya oba abalwanyisa. Twagala bwagazi kutambulira mu bujjuvu bwa maanyi ga Katonda okuyita mu Mwoyo We Omutukuvu.

Eby'okuwandiika -

3. Ekigendererwa n'ebiva mu MAANYI g'Omwoyo Omutukuvu.

   a. Mu Bik 1:8, Yesu yakolawo enkolagaana wakati wa MAANYI g'Omwoyo Omutukuvu n'OBUJULIZI bw'Ekkanisa (era lowooza Luk 24:48, 49). Tuyinza okugamba nti AMAANYI ag'Omwoyo gakwaatagana butereevu n'okutumibwa eri amawanga (laba Luk 24:47-49).

   b. Ekigambo "omujulirwa" kigambo mu Luyonani ekivumulwa “marturion”. okuva mu “marturion” tufuna ekigambo ky'oluzungu "omujulizi". Omusinji gw'ekigambo Marturion ekikola kwe kuwaayo obulamu bwo okufa olw'ekyo ekirabise nekitegezebwa”.

      1) N'olwekyo tulaba omusinji gwa Baibuli ogw'okutuma n'okuweebwa Omwoyo Omutukuvu. Okuyita mu Baibuli yonna tulaba nti AMAANYI N'OKUFA bikolagana.

         a) AMAANYI gatuukirizibwa mu BUNAFU (2 Kol 12:9).

         b) OBULAMU bukwaatagana N'OKUFA (Mat 16:24, 25; Yok 12:24, 25).

         c) AMAANYI gakwaatagana N'OKUBONABONA (2 Tim 1:8).

Eby'okuwandiika -

2) Tulaba nga Omwoyo yatumibwa okutuwa AMAANYI. AMAANYI gano gatusobozesa okwefiiriza okusobola okujulira Kristo (OKUFA kuno kwa mwoyo naye era kuyinza okuba okw'omubiri).

   a) OKUJULIRA kwaali kubuulira kuzuukira kwa Yesu Kristo.

   b) Mu Bikolwa, ekikolwa eky'okujulira bulijjo kyakwaatagananga butereevu ku ki omuntu KYALABYE NE KYAWULIDDE ku bikwaata ku kuzuukira.

c. Kiki ekyabaawo Omwoyo Omutukuvu bweyajja mu Bikolwa?

Eky'okubaganyako Ebirowoozo

Kozesa ekitundu ekiddako okuyiga n'okwogera ku bikwaata ku kujja kw'Omwoyo Omutukuvu mu Bikolwa. Oyinza okwewuunya okulaba nti waliwo ebintu bingi nyo ebyabaawo Omwoyo Omutukuvu bwe yakka ku bantu. Okusinziira mu Baibuli, kizibu okugamba nti ekintu kimu kwebyo eky'enjawulo nti ke kabonero oba obukakafu obusembayo "obw'okujjula" Omwoyo.

1) Olunaku lwa Pentekoote (Bik 2).

   a) Ennimi (Bik 2:4).

   b) Okubuulira (Bik 2:14-36; 3:11-26).

   c) Ebintu ebyawulirwa n'ebyalabibwa” (Bik 2:33).

   d) Abantu balokoka (Bik 2:41, 47).

   e) Empisa y'okusaba, okukungana (okugabana), Okuyiga n'okumenya omugaati (okusinza) byakolebwanga (Bik 2:42).

   f) Obubonero n'ebyamagero (Bik 2:43).

   g) Okugabana (Bik 2:44-46).

   h) Okutendereza (Bik 2:47).

   i) Okuwonya (Bik 3:1-10).

ENDAGAANO EMPYA II

Eby'okuwandiika

2) Ekikankano eky'okubiri (Bik 4:31).

   a) Obuvumu (Bik 4:31).

   b) Okugabana (Bik 4:32-35).

   c) Okujulira oba Okubuulira (Bik 4:33).

   d) Ekirabo ky'Omwoyo: kigambo ky'okumanya (Bik 5:3).

   e) Obubonero n'ebyamagero (Bik 5:12).

   f) Obumu (Bik 5:12).

   g) Abantu balokoka (Bik 5:14).

   h) Okuwonyezebwa n'okusumululwa (Bik 5:16).

3) Ebyali e Samaliya (Bik 8).

   a) Ebintu Simooni byeyalaba (Bik 8:18).

   b) Okuteekebwako emikono.

4) Okukyuusibwa kwa Paulo (Bik 9).

   a) Okuwonyezebwa: Paulo nazibulwa amaaso ge (9:18).

   b) Waliwo okubuulira n'okutegezanga (9:20).

   c) Waliwo ekirabo ky'ekigambo kya magezi (9:22).

   d) Obuvumu (9:27, 28).

5) Ebyaali ku Koluneeriyo (Bik 10).

   a) Ennimi (10:46).

   b) Okutendereza n'okugulumiza Katonda (10:46).

ENDAGAANO EMPYA II

Eby'okuwandiika -

6) Okujuzibwa ogw'okusatu (kweyongera) (Bik 13:52).

   a) Okubuulira (14:1,7).

   b) Ebigambo ebisoboka eri ebirabo by'Omwoyo: Ekigambo ekya magezi (Bik 14:1-- “kyoyogera mu ngeri bwetyo”), n'ekigambo eky'okumanya (Bik 14:6 -- “Bakitegeera”).

   c) Obuvumu (14:3).

   d) Obubonero n'ebyamagero (14:3).

   e) Okuwonyezebwa (14:10).

7) Ebyaali mu Efeso (Bik 19).

   a) Ennimi (19:6).

   b) Obunnabbi (19:6).

   c) Okuteekebwako emikono.

ENDAGAANO EMPYA II

Omuwandiisi Byayogera Ebikwaata ku Bik 2:38

Bikolwa 2:38 atuwa emisinji eminywevu gya mirundi esatu egikwaata ku Bakristaayo okumanya n'okuweebwa amaanyi ag'Omwoyo Omutukuvu:

1) Okwenenya

2) Mubatizibwe (mu mazzi).

3) Munaweebwa ekirabo eky'Omwoyo Omutukuvu.

Kino kirabika okulaga nti okuweebwa ekirabo "nkola ya kubiri" etegeeza nti ekirabo ky'omwoyo kijja oluvanyuma lw'okulokoka.

Ebiri mu Bikolwa esuula 2 nabyo biraga "enkola ey'okubiri" ey'embera ekwaata ku Mwoyo Omutukuvu (Yok 20:22).

Song'ate, Bik 4:31 ne 13:52 ebirimu biraga nti 'enkola ey'omulundi ogw'okubiri teri emu, naye kwongera kujjuzibwa (laba Bef 5:18; Yok 7:37).

Ebiddako byonna biwagira ekirowoozo ky'enkola "ey'omulundi ogw'okubiri": Bik 2:1-21, Bik 8:14-20, Bik 9:10-19, Bik 10:44-48, Bik 19:1-6.
Mu Bik 10:44-48 okwenenya n'okuweebwa Omwoyo kirabika okubaawo mu ngeri emu, naye oluvanyuma tusoma nti ekirabo kyabaweebwa oluvanyuma lw'okukkiriza (laba Bik 11:17). Era, tegeera nti okubatizibwa okwa mazzi kunabaawo oluvanyuma lw'okuweebwa ekirabo eky'Omwoyo mu Bik 9 ne Bik 10, naye okwenenya bulijjo kwekusooka.

Eby'okuwandiika -

ENDAGAANO EMPYA II

Eby'okuwandiika -

Eky'okubaganyako Ebirowoozo

Kozesa ekipande ekiddako okumaliriza olukalala lw'ebyaliwo ku kujja kwa maanyi ag'Omwoyo Omutukuvu. Kumaliriza ki okumu kwofunye mu kuyiga kuno? Tuyinza kutegeera tutya enkola ey'obukakafu" bw'okujjula kwa omwoyo omutukuvu

Ekyaliwo	Okuwonya	Okubuulira	Ennimi	Obubonero n'ebyama-g ero	Obuvumu	Okugabana	Okutendereza	Ebirabo by'om-woyo	Emyoyo egyaloko-lebwa	Obunnabbi	Empisa zaabwe	Ebyalabwa Ebyawu-lirwa	Okusaako Emikono
Bik 2	x	x	x	x		x	x		x		x	x	
Bik 4:31	x	x		x	x	x		x	x				
Bik 8												x	x
Bik9	x	x			x			x					
Bik 10			x				x						
Bik 13:52	x	x		x	x			x					
Bik 19			x							x			x
OMUG-ATTE	4	4	3	3	3	2	2	3	2	1	1	2	2

***Genderera: Okuteekebwako emikono si kimu kwebyo ebiraga oba ebiva mu kujja kw'Omwoyo Omutukuvu (nga ebirala) naye kiteekedwamu okulaga nti emirundi egimu kyakosezebwa nga enkola okugaba ekirabo ky'Omwoyo Omutukuvu ate emirundi egimu si bwekyaali.

***Genderera: "OMUGATTE" gulaga nti waliwo amakulu ag'enjawulo agalabika, ebivaamu, obukakafu, oba ebikakasa okujjuzibwa Omwoyo Omutukuvu. Tewali nakimu ku bintu bino ebirabika mu byonna ebyaliwo era tewali na kimu kiyimirirawo nga obukakafu okusinga ebirala.

Eky'okubanganyako Ebirowoozo

Kumaliriza ki okumu kwofunye mu kuyiga kuno? Tuyinza kutegeera tutya enkola ey'obukakafu bw'okujja kw'Omwoyo Omutukuvu?

C. Omulamwa 2: Okubunyisa Enjiri mu Bikolwa.

Eby'okuwandiika

Eky'okulabirako ky'Omuwandiisi:
Emilamwa ebiri egisinga obukulu mu kitabo ky'Ebikolwa, amaanyi ag'Omwoyo Omutukuvu n'okubunyisa enjiri, bigendera wamu nga ekiwujo ky'empeewo (fani) wamu n'okubunyisa empewo. Ekigendererwa kya fani oba ekiwujo ky'empewo kwe kubunyisa empewo. Ekigendererwa ky'Omwoyo Omutukuvu kwe kubunyisa enjiri.

Sa Muno Ekyokulabirako Kyo:

Omuwandiisi Kyakyogerako:

Enjiri erina okubunyisibwa eri buli mutindo gwa bantu ne mu bifo byonna. Okusinziira mu Bikolwa 1:8, enjiri, erina okubunyisibwa mu Yerusaleemi, Buyudaaya, Samaliya n'okutuukira ddala ku nkomerero zonna ez'ensi. Kino kyategeeza nti enjiri yalina okubunyisibwa mu byalo, mu massaza agetolodde n'ebifo ebiri ewala.

1. Okubunyisibwa kw'enjiri mu Yerusaleemi (Bikolwa esuula 1-7).

   a. Kino kyakolebwa ku muwendo ogumu. Waliwo okuyiganyizibwa kungi nyo nga bwe tukiraba mu kusibibwa mu makomera ag'enjawulo (Bikolwa esuula 4, 5) n'okufa kwa Sutefano (Bikolwa esuula 7).

   b. Mu kiseera kino, ekkanisa yatandika okweyongera okukula mu ntegeka (genderera okulondebwa kw'abadikoni mu Bikolwa esuula 6).

ENDAGAANO EMPYA II

Eby'okuwandiika -

2. Okubunyisa enjiri mu Buyudaaya ne Samaliya (Bik esuula 8, 9).

   a. Firipo mu Samaliya (Bik esuula 8). Genderera Obukristaayo bw'omu Afirika, busimba emirandira gyabwo mu kigambo kino eky'okubuulira enjiri okw'ekkanisa eyasooka (genderera ebyaali ku mulaawe Omwesiyopya).

   b. Paulo mu Damasiko (Bik 9:19-31).

   c. Obuweereza bwa Peetero (Bik 9:32-43).

3. Okubunyisa enjiri okutuusa ku nkomerero z'ensi (Bik 10-28).

   a. Mu Kayisaaliya (Bik esuula 10).

   b. Mu Antiyokiya (Bik 11:19). Tegera nti kino kyabaawo lwa kuyiganyizibwa.

   c. Mu Asiya entono (olugendo lw'obuminsani bwa Paulo olusooka).

      1) Kupulo (Bik 13:5-13).

      2) Peruga (Bik 13:13).

      3) Antiyokiya Pisidiya (Bik 13:14).

      4) Ikoniyo (Bik 13:51).

      5) Lusitula ne Derube (Bik 14:6)

   d. Mu Asiya entono ne Buyonaani (olugendo lw'obuminsani bwa Paulo olw'okubiri).

      1) Busuuli ne Kirukiya (Bik 15:41).

      2) Lusitula (Bik 16:1).

      3) Fulugiya Galatiya (Acts 16:6).

      4) Tulowa (Bik 16:9).

      5) Pirippi (Bik 16:12).

6) Sesalonika ne Beroya (Bik 17:1,10).

7) Asene ne Kolinso (Bik 17:16 ne 18:1).

8) Efeeso (Bik 18:19).

e. Asiya entono ne Buyonaani ate (olugendo lw'obuminsani bwa Paulo olw'okusatu).

1) Galatiya (Bik 18:23).

2) Efeeso (Bik 19:1).

3) Buyonaani (Bik 20:2).

4) Tulowa (Bik 20:6-12).

5) Tuulo (Bik 21:1-4).

6) Kayisaaliya (Bik 21:8).

f. Eruumi (Okuyita mu kusibibwa kwa Paulo).

1) Paulo yawoleza mu bantu bangi abamanyiddwa nga Felikisi ne Agulippa n'abalala. (Bik 26:18).

2) Katonda olw'obufuzi bwe yakozesa okusibibwa kwa Paulo okutuusa enjiri mu Ruumi (laba Bik 26:32).

g. Mu Supaniya (kigambibwa nti Paulo yagenda e Supaniya) (laba Bar 15:24, 28).

Eky'okubaganyako Ebirowoozo

Kozesa ebyawandiikibwa ebiddako okulaga ekkanisa ey'Endagaano Empya gyeyakwaatamu ebiragiro mu Bik 1:8. Laba engeri enjiri gyeyabunyisibwamu okuva mu Yerusaleemi okutuukira ddala ku nkomerero z'ensi ezimanyiddwa. Kiri kitya eri ffe leero? Tugondera ebiragiro bya Bikolwa 1:8? Naffe twewaayo?
Bik 5:28; Bik 6:7; Bik 8:1; Bik 8:14;
Bik 9:31; Bik 13:47; Bik 15:13; Bik 17:6; ne Bik 24:5.

Eby'okuwandiika -

III. Obulamu bwa Paulo.

A. Ebintu ebikulu mu bulamu bwa Paulo (kozesa emitwe egikuweereddwa mu bufunze okuyiga byonna ku bulamu bwa Paulo n'obuweereza).

1. Eby'obulamu bwe obwasooka.

   a. Yali mufalisaayo(Bik 23:6).

   b. Yali mutuuze mu Ruumi (Bik 22:25-28).

   c. Yazaalibwa mu Taluso (Bik 22:3).

   d. Yayigirizibwa Gamalyeri (Bik 22:3).

   e. Yayiga okuleega weema (Bik 18:3).

2. Nga tanakyuusibwa/tanalokolebwa.

   a. Yayiganyanga ekkanisa (Bik 9:1-3; 22:4). Ye yakuuma ebyambalo by'abo abatta Sutefano (Bik 7:58).

   b. Yakwaatanga amateeka (Bik 26:5).

3. Okukyuusibwa/okulokolebwa kwe.

   a. Bweyali anatera okutuuka e Damasika nalaba omusana ogwaka ennyo era amaaso ge ne gaziba (Bik 9:3; 22:6; 9:8).

   b. Kristo yamunenya era namuddamu (Bik 22:7, 8; 9:6).

   c. Yatwalibwa eDamasiko gye yasiibira n'okusaba (Bik 22:11; 9:9-11).

   d. Ananiya yatumibwa gyali era nabatizibwa (Bik 9:11, 12, 18).

4. Oluvanyuma lw'okukyuusibwa kwe.

   a. Yabuulira mu Damasiko ate nagenda mu Buwalabu (Bik 9:20; Gal 1:17).

Eby'okuwandiika

b. Yakomawo eDamasiko ate nagenda eYerusaleemi (Bag 1:17, 18).

c. Ekkanisa yamubuusabuusa, Abayudaaya ne bamuyiganya, ate Balunabba nafuuka mukwano gwe (Bik 9:26-29).

d. Balunabba namuleeta mu Antiyokiya gyeyayigiriza okumala omwaka gumu (Bik 11:25, 26).

5. Olugendo lw'obuminsani bwe obwasooka, obw'okubiri n'obw'okusatu.

a. Engendo zabaawo wakati wa 47-57 A.D (oluvanyuma lw'okuzaalibwa kwa Kristo).

b. Laba ekitundu kyetwayiseemu (okubunyisa enjiri okutuuka ku nkomererero z'ensi yonna) olw'emitwe emikulu.

6. Mu Yerusaleemi, Kayisaliya, ne Ruumi (okusibibwa).

a. Ekanisa yamusembeza naye naganibwa Abayudaaya, era oluvanyuma n'Abaruumi (Bik 21:17, 27; 22:24-29).

b. Yatwalibwa e Kayisaliya gyeyamala emyaka ebiri mu kkomera (Bik 23:23-33; 24:27).

c. Yewozaako mu maaso ga Felikisi ne Kabaka Agulippa (Bik 24:10-21; 26:1-29).

d. Yatwalibwa eRuumi gye yabuulira era nawandiikirayo amabaluwa mu nyumba ey'obusibe (Bik 27:14-44; 28:16, 30, 31).

B. Engeri Paulo gye yanyonyolamu Kristo.

1. Wa mirembe (Bar 5:1).

2. Mukama w'ekitiibwa (1 Kol 2:8).

3. Omusingi gwokka (1 Kol 3:11).

Eby'okuwandiika -

4. Omwana gw'endiga ogwebwayo (1 Kol 5:7).
5. Eyawangula okufa (1 Kol 15:24-26).
6. Ekifananyi kya Katonda (2 Kol 4:4).
7. Omununuzi (Bag 5:1).
8. Ekiruubirirwa oba ekigera ky'okukula (Bef 4:13).
9. Empeera ey'omukkiriza eya namaddala (Baf 3:8).
10. Omutwe gw'ekkanisa (Bak 1:18).
11. Mukama ajja (1 Bases 4:16).
12. Aweereddwa omukisa Kabaka wa bakabaka era Mukama wa bakama (1 Tim 6:15).
13. Omulamuzi wa bantu bonna (2 Tim 4:1).
14. Omununuzi (Tito 2:14).
15. Omutandiisi w'obulokozi (Beb 2:10).
16. Kabona asinga obukulu omunene (Beb 4:14).
17. Omutandisi era atuukiriza okukkiriza (Beb 12:2).

Ebyokwogerako mu kibiina:

Ngokozesa eby'okuyiga ku bulamu bwa Paulo waggulu, yogera ku nsonga zino eziddako:

1) Okusinziira ku bumanyirivu bwe, olowooza Paulo yanditute atya okusoma, embeera za bantu, ebifo by'obufuzi, oba emirimu gy'ediini ku bikwatagana n'okutambula nga okugondera Mukama?

2) Okusinziira ku bumanyirivu bwe, olowooza Paulo yanditute atya obuvumu, okumenyeka, obugumiikiriza n'okwekuuma?

3) Okusinzira ku kutegeera kwe Kristo, olowooza Paulo yandigerageranyiza atya omuntu engeri gyasembezamu Kristo Yesu bweyolekana n'engeri gyamukkirizamu ye?

IV. Ekitabo kya Baruumi.

Eby'okuwandiika

A. Ebiri mu Baruumi mu Bufunze.

1. Enjigiriza (Baruumi esuula 1-11). Omulamwa omukulu y'entegeka y'obulokozi omuli okutukuzibwa olw'okukkiriza n'okulongoosebwa olw'omulimu gw'Omwoyo Omutukuvu.

2. Eky'okukola (Baruumi esuula 12-16) - Waliwo engeri z'okugulumizibwa okw'enjawula ku bikwaatagana n'obuvunanyizibwa bwa Bakristaayo.

B. Okwongera Okunyonyola Ebiri mu Baruumi (Kozesa bino okukola eky'okuyiga ekisingawo ku kitabo kya Baruumi).

1. Entegeka y'obulokozi (Bar esuula 1-11).

   a. Enyanjula y'ebbaluwa (Bar 1:1-17).

   b. Obutuukirivu kye kisumuluzo ky'enkolagana y'omuntu ne Katonda (Bar 1:18-8:39).

      1) Obutukirivu kye kifo omuntu kye yetaaga okubaamu bwayimirira mu maaso ga Katonda (Bar 1:18-5:21).

         a) Okulemwa kw'omuntu (Bar 1:18-3:20).

         b) Obuwanguzi bw'okukkiriza (Bar 3:21-31).

         c) Eky'okulabirako kya lbulayimu (Bar 4:1-25).

         d) Ebiva mu kutukuzibwa (Bar 5:1-21).

      2) Obutukirivu y'engeri y'obulamu omuntu gyeyetaaga byayimirira mu maaso ga Katonda (Bar 6:1-8:39).

         a) Ekibi tekikakasa kisa (Bar 6:1-14).

         b) Amaanyi g'ekisa (Bar 6:15-7:6).

         c) Olutalo wakati w'ekibi (Bar 7:7-25).

         d) Obuwanguzi mu Mwoyo (Bar 8:1-39).

Eby'okuwandiika –

c. Isirayiri n'abamawanga mu ntegeka ya Katonda (Bar 9:1-11:36).

1) Okufaayo kwa Paulo eri lsirayiri (Bar 9:1-5).

2) Obukulu n'amazima ga Katonda eri lsirayiri n'abantu bonna (Bar 9:6-29).

3) Okulemwa kwa lsirayiri/omukisa gwa bamawanga (Bar 9:30-10:21).

4) Embeera ya lsirayiri leero (Bar 11:1-10).

5) Embeera ya lsirayiri ey'omumaaso (Bar 11:11-36).

6) Obulokozi bwa lsirayiri n'okusaasira n'obukulu bwa Katonda (Bar 11:25-36).

2. Eby'okuteeka mu nkola mu bulamu bw'obulokozi (Bar esuula 12-16).

a. Emitendera gy'endowooza n'ebikolwa bya Bakristaayo (Bar 12:1-15:13).

1) Okwewaayo n'okumalirira (Bar 12:1, 2).

2) Omugaso gw'ebirabo (Bar 12:3-8).

3) Ebiragiro n'ebigumya mu neeyisa y'Omukristaayo (Bar 12:9-21).

4) Okugondera obuyinza (Bar 13:1-14).

5) Obumu n'okufaayo eri abalala (Bar 14:1-15:13).

b. Alipoota, okusaba, okusemba okulabula n'okulamusa (Bar 15:14-16:27).

Eby'okuwandiika

C. Oluyiriri olukulu mu Baruumi.

1. Lowooza engeri Bar 1:16 ne Bar 5:1 gyebuyinza okuyitibwa enyiriri z'ekitabo kya Baruumi enkulu.

2. Lowooza engeri y'enyiriri eziddako mu nsengeka yaazo gyeziyinza okukozesebwa okuwa mu bufunze ebimaliriza ebiri mu Baruumi.

   a. Bar 1:16.

   b. Bar 3:22, 23, 28.

   c. Bar 4:3.

   d. Bar 5:1, 18.

   e. Bar 9:31, 32.

   f. Bar 10:3-9.

D. Omulamwa omukulu oba obubaka mu Baruumi.

1. Obubaka bwa Baruumi bubaka bwa suubi wakati mu nsi eyagwa eterimu suubi.

2. Ensonga eziddako zilaga engeri Abaruumi gye banyweza omulamwa guno.

   a. Obubi.

      1) Obubi butondawo ekisenge ekinene ekyawula wakati wa Katonda n'abantu (Bar 1:18-3:20).

      2) Esuubi lisangibwa mu kutukuzibwa olw'okukkiriza (Bar 5:1).

   b. Engeri yaffe eyonoona.

      1) Obwononyi bwaffe butondawo ekisenge ekinene ekyawula wakati waffe ne Katonda (Bar 7:15-24).

      2) Esuubi lisangibwa mu kudda buggya (Bar 8:1-4).

c. Okulonda kwa Katonda omukulu.

1) Okulonda kwa Katonda omukulu kutondawo ekisenge ekinene ekyawula wakati wa Katonda nabantu (Bar 9:7-18).

2) Esuubi lisangibwa mu mukisa gwetulina okukowola elinye lye (Bar 10:11-13).

E. Okutukuzibwa olw'okukkiriza (Bar 5:1-5).

1. Laba enyanjula Bar 5:1: "N'olwokubanga twatukuzibwa olw'okukkiriza, tulina...."

2. Kiki ekyo kye tulina okuyita mu kutukuzibwa oba okutabaganyizibwa?

a. Tulina emirembe (oluny. 1).

b. Tuweredwa ekisa (oluny. 2).

c. Tulina esanyu mu suubi (oluny. 2).

d. Tusanyuka mu bibonobona (oluny. 3).

e. Tulina okugumikiriza (oluny. 3, 4).

f. Tulina emipisa enungi (oluny. 4).

g. Tulina esuubi (oluny. 4,5).

h. Tulina okwagala (oluny. 5).

i. Tulina Omwoyo Omutukuvu (oluny. 5).

Ekyo'okubaganyako Ebirowoozo

Lowooza era yogera ku bigambo ebidako ebikwata ku kuyiga kwo okwa Baruumi 5:1-5.
Emirembe kwe kuwumula nesanyu. Esanyu kwe kuzina okwemirembe.

ENDAGAANO EMPYA II

V. Ekitabo kya 1 ne 2 Bakkolinso.

Eby'okuwandiika

A. 1 Bakolinso.

1. 1 Bakolinso nga bwafanana awamu.

   a. Kitegerekeka bulungi nti 1 Bakkolinso y'ebbaluwa eyawandiikibwa okuddamu ebbaluwa Abakolinso zebaweereza Paulo. Okusookera ddala, ebbaluwa zino zali zogera ku bizibu eby'enjawulo ebyali mu kkanisa. Paulo adamu eri ebizibu bino mu bbaluwa ye.

   b. Genderera ebitundutundu by'ebbaluwa bingi eby'enjawulo ebyanjulwa n'ebigambo bino: "**Kaakano ebikwaata ku**..."

      1) 1 Kol 7:1 - Kaakano ebikwaata ku (Bufumbo).

      2) 1 Kol 7:25 - Kaakano ebikwaata ku (Abawala abato ne banamwandu).

      3) 1 Kol 8:1, 4 - Kaakano ebikwaata ku (mmere ewebwayo eri ebifananyi)

      4) 1 Kol 12:1 - Kaakano ebikwaata ku (birabo by'Omwoyo).

      5) 1 Kol 16:1 - Kaakano ebikwaata ku(bikunganyizibwa olwa batukuvu).

      6) 1 Kol 16:12 - Kaakano ebikwaata ku (Apollo).

2. Omulamwa omukulu ogwa 1 Bakkolinso.

   a. Eno bbaluwa eyawandiikibwa okutereeza ensobi mu bulamu bw'ekkanisa n'okulaga ebilowoozo ebikolebwa ebikwaata ku kuyiga okw'enjawulo.

   b. Tusobola okukolawo ensonga mu bufunze ez'ekitabo nga tuwandiika ensobi ezaterebwanga.

      1) Ensobi y'okweyawulamu mu kkanisa (1 Kol 1:10-31; 3:1-8).

      2) Ensobi ey'okusembeza abaweereza abakyaamu n'obuweereza (1 Kol 3:1-4:21).

Eby'okuwandiika -

3) Ensobi ey'obutalongoosa kkanisa kuva mu bubi, omusango n'obwenzi (1 Kol 5:1-6:20).

4) Ebilowoozo ebikwata ku bufumbo n'okwegatta kw'omusajja n'omukazi (1 Kol 7:1-40).

5) Ensobi ey'okusaba obuyinza bwo (1 Kol 8:1-9:27; 10:23-33).

6) Ensobi y'okulemwa okweyawula ku nsi, obutassa kimu, na kwonoona kyeggulo kya Mukama waffe (1 Kol 10:16-21; 11:17-34).

7) Ebirowoozo ebikwaata ku ntegeka y'Obukristaayo (1 Kol 11:1-16).

8) Ebirowoozo ebikwata ku kukozesa ebirabo by'Omwoyo (1 Kol 12:1-14:40).

B. 2 Bakkolinso.

1. Ekikka ky'ebbaluwa.

   a. Eno yemu ku baluwa za Paulo emwogerako ennyo. Wa mazima era mwesigwa mu bbaluwa eno nga atunulira ebiwa amaanyi, ebiruubiriwa, enkola n'obukakafu bw'obuweereza bwe.

   b. Genderera mu nyiriri eziddako, engeri Paulo gyalabika okufaayo nti obutume bwe tebwakkirizibwa.

      1) 2 Kol 3:1 (Twetaaga ebbaluwa ez'okutwogerako?)

      2) 2 Kol 5:12 (Tuli baleka okwogera ku mulimu gwaffe.)

      3) 2 Kol 7:2 (Tetwonoonanga muntu yenna.)

      4) 2 Kol 10:2, 3 (Twavunanibwa okubeera mu mubiri.)

      5) 2 Kol 11:5, 6 (Siri wansi wa batume ba bulimba.)

      6) 2 Kol 12:11 (Nawalirizibwa okwenyumiriza olwa batume ab'obulimba.)

      7) 2 Kol 13:3 (Munoonya obukakafu bwa Kristo okwogerera mu nze.)

Eby'okuwandiika

2. Ngatutunulira obuweereza bwe n'enkola yabwo, n'obwetavu, Paulo atekamu akatundu aka makulu agakwaata ku mugaso gw'okugaba.

   a. Wejukanye 2 Kol esuula 8 ne 9. Okusingira ddala tunulira 2 Kol 8:12-15.

   b. Wejukanye Bik 2:44, 45 ne Bik 4:32-37.

Eky'okubaganyamu Ebirowoozo

Nga wesiganye ku bitundu ebiva mu 2 Kol 8 ne 9, ne Bik 2 ne 4, yogera ku ndowooza ya Bakristaayo okugabana n'omwenkanonkano gwa Bakristaayo.

VI. Ekitabo kya Baggalatiya.

A. Ebikwaata ku Baggalatiya.

1. Omulamwa omukulu y'enkolagaana ey'eddembe n'omulimu.

2. Ebiri mu Baggalatiya mu bufunze.

   a. Okujukira ebizibu ebyayita (esuula 1-2).

   b. Enjigiriza ey'edembe (esuula 3-4).

   c. Enkola y'omulimu (esuula 5-6).

3. Edembe engeri gyelikutwala mu mulimu nga ebisuubizo bwe birina okuba waggulu w'ekiragiro.

   a. Eddembe lilina okuba waggulu w'omulimu nga ebisuubizo bwe birina okuba waggulu w'ebiragiro.

   b. Edembe litusobozesa okuba abakola (ekisuubizo kitusobozesa okukola ekiragiro).

c. Katonda awa ebiragiro, naye bulijjo atuwa ebisuubizo ebinatusobozesa okukola ebiragiro. Katonda tatugamba kukola kintu okujjako nga atuwadde obusobozi obw'okukikola (ekyokulabirako, laba enono mu 1 Kol 10:13). Bulijjo Katonda atekawo obugabirizi ku kintu ekyo kyatulagira okukola.

d. Edembe engeri gyelikutwala eri omulimu kyetaagisa nyo kubanga Katonda y'ensibuko y'ebintu byonna era assukkulumye. Omulimu gwaffe gulina kutandika na bugabirizi bwa Katonda.

4. Endowooza zino ez'eddembe n'omulimu biragiddwa mu ngeri nyingi ez'enjawulo okuyita mu Baibuli. Mu buli nsonga, endowooza ebiri ziragiddwa nga nkulu nyo okukwaatagana. Tewali ebaawo nga endala teliiwo. Zibererawo wamu era nga buli emu ekwaata kuginaayo.

a. Tewali ddembe awatali mulimu.
b. Tewali mulimu awatali ddembe.

Eky'okubaganyako Ebirowoozo

Kozesa ekifananyi ekiddako okwogera ku bikwaata ku ddembe n'omulimu. Soomooza abayizi okubikozesa olw'obulamu bwabwe bbo.

Olugero n'ebirowoozo ebibiri webiri	Ebigambo eby'enjawulo ebikozesebwa ku nkolagana	Engeri ebirowoozo ebibiri gyebikolaganamu
Baggalatiya Eddembe (esuula 3 ne 4) Omulimu (esuula 5 ne 6)	Edembe omulimu	Edembe nga welili kitusobozesa okumaliriza omulimu...omulimu bwegubaawo gututwaala okufuna eddembe.
Mat 5:17 Ekisa (Yesu muffe) Eteeka (likolera muffe)	Ekisa Eteeka	Okubeerawo kw'ekisa kutusobozesa okukuuma eteeka..okubaawo kw'eteeka kukutwaala okufuna ekisa.
Baefeso Omukisa (esuula 1-3) Obuvunanyizibwa (esuulaa 4-6)	Omukisa Obuvunanyizibwa	Okubeerawo kw'omukisa kutusobozesa okutuukiriza obuvunanyizibwa. Okubeera n'obuvunanyizibwa kitutwaala mu kukozesa omukisa.
Endagaano ya lbulayimu Lub 12: 1-3 1/2 Ebisuubizo (oluny 2) 1/2 Biragiro (oluny 2,3)	Ekisuubizo Ekiragiro	Okubeerawo kw'ekisubizo kutusobozesa okugoberera ekiragiro...okubaawo kw'ekiragiro kutegeereza ddala nti tufuyne ekyo ekyasuubizibwa
Bik 1:8 Obugabirizi(Mwoyo-Omutukuvu okutumibwa (Yerusaleemi oku tuuka ku nkomerero y'ensi	Obugabirizi Okutumibwa	Okubeerawo kw'obugabirizi kutusobozesa okutuukiriza okutumibwa. Okuba nga tutumibwa kitegeeza kufuna bugabirizi.

Eby'okuwandiika

B. Ekibala ky'Omwoyo (Bag 5:22, 23).

1. Abakristaayo basobola bulungi okuba mu buwanguzi eri ebyetaagisa amateeka. Ekyo tekitegeeza nti tagoberera mateeka. Kitegeeza nti asobola okukuuma eteeka.

   a. Ekibala eky'Omwoyo bwe bukakafu nti tukwaata eteeka mu bulamu. Nga Paulo bweyagamba nti "kwebyo byonna tewali mateeka" okuba abalamu mu ngeri eyo, kye kikakasa okufuga kw'Omwoyo n'okuba nga tukula mu kisa.

   b. Kwe kugamba nti obulamu obufugibwa Omwoyo tebwetaaga mateeka kubukaka kubeera mu bulamu obutuukirivu (mu mateeka).

2. Obulamu bw'Omukristaayo bulina kutegeerwa ku kibala kya Mwoyo.

   a. **OKWAGALA** kulina okuba nga mulamwa wakati mu bulamu bw'Omukristaayo.

   b. **ESANYU** lilina okuba amaanyi gakyo.

   c. **EMIREMBE** girina okuba obugumu bwakyo.

   d. **OKUGUMIIKIRIZA** kulina okuba n'okubonabona kwakyo.

   e. **EKISA** kilina okuba obujulizi bwakyo.

   f. **OBULUNGI** bulina okuba nga y'enkola yakyo.

   g. **OKUKKIRIZA** kwe kuddamu kwakyo eri Katonda.

   h. **OBUWOMBEEFU** bulina okuba empisa yakyo.

   i. **OKWEGENDEREZA** kulina okuba nga bwe bukulu bwakyo.

ENDAGAANO EMPYA II

Eby'okuwandiika -

VII. Ekitabo 1 ne 2 Bassesalonika.

A. Ebikwaata ku bitabo byombi awamu.

1. Paulo yawandiika 1 Bassesalonika oluvanyuma lwa Timoseewo okumuletera alipoota ekwaata ku kkanisa ye Sessalonika (laba 1 Basses 3:6).

2. Paulo yawandiika 2 Bassesalonika okuba nga adamu okutabukatabuka okwali kweyongera mu maaso mu kkanisa eye Sessalonika ku bikwaatagana n'okujja kwa Yesu omulundi ogw'okubiri. (Paulo yatandika okwogera ku buzibu mu (1 Basses 4:13-5:11).

B. Emilamwa emikulu mu bitabo.

1. Eky'okulabirako n'okufananya (1 Basses 1:5, 6; 2:14; 2 Bases 3:6-9).

2. Empisa eri abo abanafu (1 Basses 5:14; 2 Basses 3:10-15).

3. Okudda kwa Kristo (1 Basses 4:13-5:11; 2 Basses 2).

4. Okubonabona nokuzibwamu amaanyi mu kuyiganyizibwa (1 Basses 1:6; 2:14-16; 1:3-12).

5. Okubuulira enjiri (1 Basses 1:8; 2:9; 2 Basses 3:1).

Okumaliriza essomo:

Kino kimaliriza Endagaano Empya ll, enonyereza emilamwa emingi ne by'okuyiga ebikwaata ku kuzaalibwa kw'ekkanisa y'Endagaano empya. Okuva mu kitabo kye Bikolwa, amaanyi ag'Omwoyo Omutukuvu n'okubunyisa enjiri byassibwako essira. Okuyiga obulamu bwa Paulo eryalaga obulamu bwe okusooka ate n'oluvanyuma lw'okukyuusibwa kwe, wamu n'enyinyinyola ye eya Kristo. Okuva mu baruumi okutukuzibwa olw'okukkiriza kwassibwako essira. Okuva mu 1 ne 2 Bakkolinso, tulaba nga Paulo akola ku bizibu mu kkanisa y'Ekkolinso, ate nalyoka yewozako olw'obutume bwe. Okuva mu Bagalatiya emilamwa gy'edembe n'omulimu, n'ekibala ky'Omwoyo kyatekebwako essira. Okuva mu 1 ne 2 Bassesalonika, tulaba nti Paulo yassa essira ku ky'okulabirako, okufanana, okuzaamu amaanyi n'okubonabonanga, ate nalyoka akola ku kutabulwatabulwa okukwaata ku kujja kwa Yesu omulundi ogw'okubiri.

Essomo eriddako mu nsengeka eno, <u>Endagaano Empya III</u>, linoonyereza okweyongerayongera kw'ekkanisa.